**$10^{th}$ November 2019.**

# OBWEGENDEREVU BW'OKUBA ABAJULIRWA BA YESU KRISTO MU BYONNA.

**Abakkolosaayi 4:5,6.**

Amakya ga leero mu kitundu kyentwaala ng'ekomekkerezo y'okubuulirira kw'Omutume Paulo eri be yawandiikira ebbaluwa mwe tuzze tuyigirizibwa ebbanga lino lyonna. Tulaba ng'awunzika abakubiriza okuba abegendereza okuba abajulirwa ba Yesu Kristo mu byonna, bwe yagamba nti ………[*soma*].

Kyaali, era kiba kikulu nnyo okuba ng'ebyo byonna ebyaali bibuuliriddwa nga bwe tuzze tulaba mu kumanyisibwa obusukkulumu bwa Yesu Kristo gye tuli byeyongera bweyongezi kkola oba kkozesebwa mu bulamu bwaffe ffenna ababibuuliriddwa, nga mu kubissa mu nkola, olw'okumanya n'okutegeera kwa byo omukkiriza mu Yesu abeerera ddala wa nsa, mu ngeri nga naye Mukama waffe Yesu Kristo bwe yagamba mu Yokaana 8:31,32…… "Bwe munywerera ku kigambo kyange muba bayigirizwa bange ddala. Era mulitegeera amazima, n'amazima galibafuula ba ddembe."

Nga bwe guli nti ky'omanyi kyolesebwa eri abakulaba ng'okikozesa mu mpisa oba enjogera yo ebikyoolesa. Era olw'okuba amagezi y'enkozesa y'okumanya entuufu, Paulo kye yava agamba nti ……….

By'ebyaali ebigambo by'ebimu bye yagamba Abaefeso mu 5:15-17…. "Mutunule nga mutambula n'obwegendereza, si ng'abatalina magezi wabula ng'abalina amagezi, nga temwonoona biseera kubanga ennaku zino mbi. Temubanga basirusiru, naye mutegeere Mukama waffe ky'ayagala."

Mu Yakobo 1:19 – 26 tugambwa nti….

Yakobo kiringa 'Ngero' w'Endagaano Empya, olw'okubaamu okubuulirira kw'amagezi okungi.

Era mu mulamwa gw'egumu agamba mu ssuula 3:1-12 nti….

N'olw'ekyo Paulo ng'akomekkereza okubuulirira kwe atuwa amagezi obutayiwa oba obutazikiriza ebyo ebituzimbiddwaamu n'ennimi zaffe, kubanga olwo ate biba ng'ebitagasizza gye tuli n'eri abalala.

Nga bwe yagamba mu Abaefeso 4:29.. “Mwekuume mulemenga okwogera ebigambo ebitasaana, wabula mwogerenga ebyo byokka ebizimba nga buli muntu bwe yeetaaga, biryoke bigase abo ababiwulira.”

Obwegendereza buba mu kweekuuma…. Okwekugira…..

Ngero 10:19 lugamba nti “Mu bigambo ebingi temubula kwonoona, naye akuuma olulimi lwe aba wa magezi.”

Ne Ngero 17:27 lugamba nti “Omuntu omwegendereza mu bigambo bye abeera n’okutegeera, n’oyo alina omwoyo omuteefu aba muntu wa magezi.”

Y’engeri gye tusaanye okutambulanga n’abalala, - okweyisa nga tuli nabo, n’addala abatannakkiriza, tuleme beesittaza, nabbalemesa kukkiriza mu Mukama waffe Yesu Kristo, wabula nga Peetero w’agamba mu I Peetero 3:15,16 “Mutyenga Mukama waffe Kristo mu mitima gyammwe. Era bulijjo mubenga beetegefu okuddamu buli ababuuza okunnyonnyola essuubi lyammwe, era muddengamu n’obuwombeefu, awamu n’eggonjebwa. Mubenga ba mutima mulungi, abo ababavuma era ababoogerako ekibi olw’empisa zammwe ennungi olw’okuba nga muli ba Kristo, balyoke baswale.”

Gwe munnyo gw’ekisa ogugwaanidde okuva mu mimwa gyaffe abajudde ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo gwe tussaamu ekitiibwa buli kiseera na mu buli kimu. Olwo nga yye, ne tusobola okwanukula ba Nikoddemu ba leero, awamu n’abakazi b’okumugga ba leero be tuba tusisinkanye, bonna ne baweebwa ekisa.